# Abaana balina okuzannya mu bifo ebyenjawulo



**Zimba ekitone**
**ne RICHARD MUGERWA**

ENSI y'omupiira gw'abato erimu emirimu mingi. Kirabika nga ekyangu okussa abazannyi abato mu kisaawe kyokka okubagezesa mu bifo (nnamba) ebyenjawulo kibayamba nnyo. Mu ngeri eno, bafuna okutegeera okw'amaanyi ku muzannyo era bayiga amaanyi gaabwe ne bakulaakulanya obukugu obwenjawulo. Kino kibaleetera okwagala ennyo omuzannyo guno okusinga okussa essira ku kifo ekimu kyokka.

Omupiira gw'abaana gwa njawulo ku gwa pulofeesono. Mu gw'abaana essira liteekebwa ku kuyiga ebisinga obukulu, n'okutondawo okwagala omuzannyo. Ekigendererwa kwe kuzimba omusingi omunywevu mu kifo ky'okukuguka amangu.

Kikulu nnyo okumanya ebifo ebyenjawulo ku kisaawe mu nkola eno ey'okuyiga. Buli kifo kirina emirimu gyakyo. Ekyokulabirako, ggoolokipa y'asembayo mu bazibizi, n'omuteebi y'akulembera olulumba. Buli kifo kyetaaga obukugu obw'enjawulo. Okuleka abazannyi okugezesa ebifo ebyenjawulo kibayamba okutegeera ebikwata ku buli kifo n'engeri bonna gye bakolaganamu olw'obuwanguzi bwa ttiimu.

Buli kifo ku kisaawe ky'omupiira kikwatagana n'ebirala, ne kikola omukutu omulamu ogw'emirimu egiyamba okutambula kw'omuzannyo n'obukodyo. Ggoolokipa ye layini y'abazibizi esembayo era alina okulemesa ttiimu endala okuteeba. Omulimu gwabwe guzingiramu ekisingawo ku kuyimiriza amasasi gokka; era ziruŋŋamya abazibizi n'okutandika okulumba okuva emabega.

Okwanjula abazannyi mu bifo ebyenjawulo nga bakyali bato kikulu nnyo eri olugendo lwabwe olw'omupiira. Mu ngeri eno, bategeera obulungi omuzannyo okuva mu ndowooza ezenjawulo, ekibayamba okuzimba amangu obukugu. Abazannyi abato bwe bagezaako okuzannya ebifo ebyenjawulo, bayiga obukodyo obw'enjawulo.

Omuzannyi okumugezesa mu bifo ebyenjawulo nga muto kiyamba okuzuula amaanyi n'obunafu bwe ne kisobozesa n'abatendesi okukola pulogulaamu z'okutendekebwa ezissa essira ku nkula ya buli muzannyi. Nga bazimba omusingi omunywevu mu bitundu byonna eby'omuzannyo, abaana basobola okukola obulungi mu bifo bye baagala nga bwe bagenda mu maaso nga bayita mu myaka egyenjawulo.

Abazannyi abazannya ebifo ebingi ku kisaawe baba ba muwendo eri ttiimu zaabwe. Omuzannyi azannya ebifo ebiwerako, awa omutendesi omukisa ogwegazaanya ng'alonda ttiimu n'agiyamba okuzannya obulungi. Omuzannyi ono era ategeera nnyo omuzannyo n'okusalawo mu ngeri ey'amagezi nga bali ku puleesa. Kino tekiyamba ttiimu yokka naye n'omuzannyi yennyini anyumirwa omuzannyo.



Cristiano Kafeero (ku kkono) owa Prostat Academy ng'attunka n'owa PSG mu mpaka ezaali e Tanzania.

Abazannya ebifo ebingi baganja nnyo kuba bangu okugenda n'enkyukakyuka y'omuzannyo gukyuka era bagya ku kusoomoozebwa okutali kumu. Bwe kityo abatendesi balina okugezesa abaana mu bifo ebyenjawulo okuzuula obusobozi bwabwe.

*rmugerwa166@gmail.com*
*0774498980*